# OKW'ETUKUZA N'ESSWALA

## الطهارة والصلاة - أوغندي

جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات في الزلفي
هاتف: 164234466 966 - فاكس: 164234477 966

# الطهارة والصلاة

## أعده وترجمه إلى اللغة الأوغندية

## جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات بالزلفي

## الطبعة الأولى: ٨ /١٤٤٥ هـ

ح جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات بالزلفي ، ١٤٤٥هـ

بالزلفي ، جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات
الطهارة والصلاة - أوغندي. / جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية
الجاليات بالزلفي ؛ جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات الزلفي
- ط١. .- الزلفي ، ١٤٤٥هـ

٦٠ ص ؛ ١٢/١٧ سم.- (1 ؛ ١)

رقم الإيداع: ١٤٤٥/١٨٠٩٧
ردمك: ٩٧٨-٦٠٣-٨٣٩٩-٢٢-٤

# AMATEEKA G'OKWETUKUZA

## أحكام الطهارة

## Okw'etukuza ne nagisi (byebiriwa?)

**Ennagisi:** Ennagisi ky'ekyo ekikakata ku musiraamu okwekuuma obutamutuukako, era n'akakatibwako okunaaza wekiba kigenze singa kiba kimutuuseeko. Era kikakata okwooza olugoye, n'okunaaza omubiri singa biba bituukiddwako enagisi okutuusa ennagisi eyo lw'ejjibwako singa ennagisi eyo ebeera erabwako, nga (Haidwi) omusaayi ogw'omukyala ali mu nsonga, ate singa guba gunaaziddwawo newasigalawo obuufu bwagwo wegubadde, obuufu obwo tebuba namutawaana, wabula bw'eba ennagisi tosobola kugilaba (buufu bwayo) na maaso; eyo yyo eyozebwa bwozebwa negwawo nebweguba omulundi gumu.

Wabula ate kyo ekifo wansi kuttaka watukuzibwa singa waba wagenzeewo ennagisi nga tuyiwawo buyiyi mazzi, ate bw'eba eri mu biyiika, etukula na kukazaawo

Era okw'etukuza oba okutukuza ekintu kyonna tukozesa mazzi mukujjawo ennagisi, gamba nga amazzi g'enkuba, oba amazzi g'ennyanja oba amalala nga era bwe kikkirizibwa okukozesa amazzi

agakozeseddwako, ebbanga lyegamala nga tegakyuse. Era ky'ekimu n'amazzi ageetabuddemu ekintu ekitukuvu negasigala kumbeera yaago ey'obutonde era ekiguddemu nekitagakyusa kuva mumbeera y'okuba gabalibwa nga mazzi, Wabula singa geetabikamu ekintu ekitukuvu nekigakyusa negava mumbeera yago nga amazzi, ago tekikkirizibwa kugakozesa mu kw'etukuza era nga wekitakkirizibwa kukozesa mazzi geetabise nakintu kyonna ekimanyiddwa nti nagisi, singa ennagisi eyo oba ekintu ekyo kiba kikyusizza empooma yaago, oba empunya yaago oba endabika yaago (color), wabula bino byonna bwewatabaawo kikyuse mubyo ago gaba gakkirizibwa okw'etukuza nago ku kisinga obutuufu mu bigambo by'abamanyi.

Era nga bwekikkirizibwa okw'etukuza n'amazzi aganywereddwako ekintu kyonna negasigalamu, okujjako ago agaba ganywereddwako embwa oba embizzi ago tegeetukuzibwa nago kuba bino bibalibwa mu nagisi byombi.

## **EBIKA BYENNAGISI**:

Nagisi oba obukyafu obuyitira mu limu ku makubo abiri bulimu emiteeko nga nemugyo;

1. Omusulo neky'etaago ekinene.
2. Al-WADIYYU; nga gano nago g'emazzi agafuluma oluvanyuma lw'omusulo, gabeera

meeru (era gatela okuva mu muntu naddala mw'abo abakola ekikolwa ekikyamu ekya Musturbation) oba kiyite okwemazisa.

3. AL-MAZIYYU: Gano nago gaba meeru, era matangaavu gajja naddala nga omuntu alowozezza kunsonga z'okwegatta kw'abafumbo.
4. AL-MANIYYU: Amaniyyu gano g'emazzi ag'ekyama agazaala wabula gano go si nagisi matukuvu naye kirungi ky'agalibwa okubeera nga ogoozaawo bweluba lugoye nago bwegaba gakyali mabisi ate asobola ogatakulawo wegali n'olwala singa gaba gakaze (nga bweyakikolanga maama waffe Aisha)
5. Omusulo n'obusa obw'ebitaliibwa nyama yabyo. So nga byo ebiriibwa ennyama yabyo omusulo gwabyo n'obusa bwabyo si nagisi.
6. Omusaayi gwa HAIDWI ne NIFAASI guno gwe musaayi oguva mu bukyala ogw'emirundi ebiri; okuva mu mukyala ali mu nsonga zabakyala eza buli mwezi, n'oguva mu mukyala eyaakamala okuzaala nga tanatukula.

Ebika bye nagisi bino byonna ebinnyonnyoddwa biteekwa okunaazibwa n'okunaaza olugoye webiba bituuse n'okunaaba omubiri webigenze kuba bibalibwa mu nagisi okujjako Amaniyyu mpozzi

n'amadhiyyu nago bwe gaba gagenze mu lugoye kimala okugamansilako obumansizi amazzi.

## Era ezimu ku nnamula eziri ku nagisi:

1. Singa omuntu afuna ekintu ekimukoonako nga takimanyi nti abaffe ekintu kino kiri mu nagisi oba nedda, tekiba kyatteeka gyali okubuuza, kubanga ensibuko yebintu byonna biba biyonjo sibinasigisiwavu (sibikyafu).
2. Singa omuntu amaliriza eswalaaye oluvanyuma n'alaba ku mubirigwe oba mulugoye lwe enagisi gyataalabye nga tanassaala oba yagirabye naye neyeerabira, esswalaye ebeera ntuufu okusinziira kukisinga obutuufu mu bigambo by'abamanyi.
3. Omuntu yenna abeera abuliddwa ekifo ekigenzeemu enagisi mulugoye lwe oba ekirala kyonna olwo kiba kimukakaseeko okulujjamu ayoze ekigero endowooza ye kyemulaga nti ky'ekigenzemu enagisi, so singa aba tafunye ndowoozaye w'esinga kumulaga nti we wagenze enagisi, abeera alina okulwoza lwonna.

## OKUMALA EKYETAAGO:

N'ezimu kumpisa z'okumala eky'etaago zezino;

1. Omuntu nga ayingira mu kabuyonjo akulembeza okugulukwe okwa kkono n'agamba nti;

   ***"Bismillah, Allaahumma inii a –uudhu bika minal-khubthi wal- khabaa- ieth"***
   Amakulu: ku lw'erinnya lya Allah, ayi Katonda mukama wange nkusaba nga n'ewogoma gy'oli onkingirize amajinni amabi amakazi n'amasajja.
   Ate bw'afuluma afulumya okugulu okwa ddyo n'agamba nti; ***"Ghufraanak"***
   Amakulu: Ayi Katonda wange nsaba kisonyiwo.
2. Era tasanidde kuyingira nakintu kyonna mukabuyonjo nga kirimu okujjukira Allah gamba Qur'an oba ekitabo kya hadith nebirala, okujjako nga atidde nti singa anaakireka ebweru kijja kumubulako.
3. Talina kw'olekera kibula oba okukikuba amabega nga amala eky'etaago singa akimalidde bweru (mu kyererezi) awatali muzimbo (kaabuyonjo). Wabula ewazimbiddwa nga ali munda mu muzimbo akkirizibwa ekibula okukikuba amabega naye taky'olekela.

4. Okubikka obwereeerebwe natakunamira bantu era tatekwa kugayaaririra nsonga eno, obw'ereere bw'omusajja kyekitundu ekiri wakati wekkundi n’amaviivi ate ye omukyala yenna bweereele.
5. Okwekuuma okulaba nga omubirigwe oba engoyeze tezigendamu (nagisi) bukyafu.
6. Okweyonja n’amazzi oluvanyuma lw’okumala ekyetaago oba okukozesa amafunfugu oba toilet paper nebirala ebisobola okutukuza obuufu bwe nnagisi, era nga kino ekikolwa eky'okwetukuza akozesa omukono gwe ogwa kkono.

# E WUDHU

Wudhu kwekw'etukuza olwetukuza olutono olwo Allah lwatakkiriza Sswala y'amuntu yenna atalwetukuzza. Nga mu Hadith eyawandiikibwa Imaam Bukhari ne Musilim;

فعن أبي هريرة - رضي الله عنه - أن رسول الله - صلى الله عليه وسلم - قال: ((إن الله لا يَقبلُ صلاة أحدكم إذا أحدث حتى يتوضأ)) [متفق عليه:٦٩٥٤، ٢٢٥]

Agamba Abii Hurairat nti mazima nabbi (SAW) yagamba nti: *"Mazima Katonda takkiriza sswala y'omu mumwe bw'aba apunguuse (aggwereddwako) wudhuye okutuusa lw'addamu n'afuna wudhu".*

So nga era omuntu ono nga afuna wudhu ateekwa okugifuna nga agiriranyisa (mu sengeka nabbi gyeyasengekamu okunaaba ebiyungo ebyo) n'okujiyunga (awatali kuyisaawo kiseera kiwanvu wakati w'okunaaba ekiyungo n'ekikiddako) nga omubaka (SAW) bweyagiyigiriza.

Ate era wudhu erina obulungi bw'amaanyi nnyo obusaana omuntu abuteeke mu mutimagwe nga agifuna.

Nga mu Hadith eyawandiikwa Imaam Musilim;

عن عثمان بن عفان ـ رضي الله عنه ـ قال: قال رسول الله ﷺ: ((من توضأ فأحسن الوضوء، خرجت خطاياه من جسده، حتى تخرج من تحت أظفاره )) [ رواه مسلم: ٢٤٥ ] .

Agamba Uthman Bun Affan nti Omubaka (SAW) yagamba: *"Omuntu afuna Wudhu n'alongoosa bulungi wudhuye, bimufulumamu ebyonoonobye okuva mu mubirigwe okutuusa lwebiva ne wansi wenjalaze".*

Era agamba omubaka mu hadith eyawandiikwa Imaam Musilim era nga ejjibwa ku Uthman nti:

وعنه ـ رضي الله عنه ـ قال: قال رسول الله ﷺ: (( من أتمَّ الوضوءَ كما أمرَ اللهُ تعالى، فالصلوات المكتوبات كفارات لما بينهن )) [ رواه مسلم: ٢٣١ ]

*"Omuntu ajjuza wudhu nga Allah bweyamulagira, esswalaaze eza Faradha (ezetteeka) zibeera zimusonyiyisa ebyo ebikyamu by'akoledde wakati waazo".*

# ENFUNA YA WUDHU

Omuntu afuna wudhu agoberera ebintu bino wammanga:

1. Aleeta enniya y'okufuna wudhu nga agireetera mu mutima gwe awatali kugyatula nalulimi, kuba enniya kitegeeza okumalirira mu mutima okubaako n'omulimo gw'ogenda okukola, bw'atyo oluvanyuma asoma nti Bisimillah,
2. Oluvanyuma, anaaza ebibatu bye byombiriri munda n'ekungulu emirundi esatu.
3. Oluvanyuma anyumunguza amazzi mu kamwa, n'afeesafeesa ne munyindo emirundi esatu.
4. Oluvanyuma anaaba ekyeenyikye okuva kukutu okutuuka ku kutu (obugazi) n'okuva awamanyiddwa nti enviiri wezitandikira okutuuka wansi w'ekirevu (obuwanvu, nga nakyo akikola emirundi esatu.
5. Oluvanyuma anaaba emikonogye okuviira ddala kuntandikwa y'ennwe z'engaloze okumalirayo ddala enkokola nga nazo azitwaliddemu nga atandika n'omukono ogwa ddyo n'alyoka azzaako kkono nga kino akikola emirundi esatu.
6. Bw'amala, asiimula amazzi mumutwegwe omulundi gumu nga atandikira kuntandikwa y'omutwegwe (mu maaso), enviiri wezitandikira, engaloze n'agenda nga asiimula

nazo okutuuka enkoto w'omutwegwe ate bw'atuuka enkoto nazikomyawo mukifo mweyatandikidde.

**7.** Bw'amala asiiga amazzi mumatuuge omulundi gumu nga ayingiza engalo eddirira kyala kisajja eya shahada (kayombiyombi) agiyingiza munda mu matuuge buli emu neyoza munda mukutu kwayo ate eya kyala kisajja n'enaaza buli emu kungulu kwokutu kwayo.

**8.** Bw'amala anaaza amagulu ge emirundi esatu nga atandikira ku ntandikwa kw'ennwe z'ebigere okutuusiza ddala n'okumalirayo ddala obukongovule bwombi nga nabwo abutwaliddemu era nga atandika n'okugulu okwa ddyo n'amaliriza n'okwa kkono.

**9.** Bwamala kiba kirungi okusoma edduwa gyeyayigiriza omubaka (SAW) mu Hadith eyawandiikibwa Imaam Musilim nti:

فعن عمر بن الخطاب ـ رضي الله عنه ـ قال: قال رسول الله ﷺ: ((ما مِنكُم من أحد يتوضأ فيسبغ الوضوء ثم يقول: أشهد أن لا إله إلا الله، وأنَّ محمدًا عبده ورسوله، إلاَّ فُتحت له أبواب الجنة الثمانية، يدخل من أيها شاء )) [ رواه مسلم: ٢٣٤ ].

Agamba UMARU mutabani wa khatwabi nti omubaka (SAW) yagamba nti: "*Tewali n'omu*

*mumwe ajjuza wudhuuye n'oluvanyuma n'asoma nga agamba nti* ***Ashihadu alla ilah illa Llah wa anna muhammada abduhu warasuluhu.***
Amakulu nti nzikirizza nenkakasa n'omutima gwange nti tewali asinzibwa mu mazima okujjako Allah era ne nabbi Muhammadi mudduwe era mubakawe, *Tayinza kusoma bigambo ebyo okujjako Allah amuggulirawo emilyango gy'eJjana omunaana ayingirire mu gwonna gw'ayagala".*



# OKUSIIGA KU NGATTO

Mu bulungi n'obwangu bw'eddiini yaffe eno ey'Obusilaamu yakkiriza omuntu okusiiga kungatto, era nga kino kikakafu nga bwekiri mu Hadith eyawandiikibwa Imaam Bukhar:

فعن عمرو بن أُمية - رضي الله عنه - قال: (رأيتُ النبي -ﷺ- يَمسحُ على عِمامته وخُفَّيه) [رواه البخاري: ٢٠٥]

Amuru Bun Umayya agamba nti *nalaba nabbi (SAW) nga asiiga kungattoze eza Huffi n'ekitambaala kye".* Era n'agamba mu Hadith eyawandiikibwa Imaam Bukhar ne Musilim:

وعن المغيرة بن شعبة - رضي الله عنه - قال: (بينا أنا مع رسول الله - ﷺ - ذات ليلة، إذ نَزَل فقضى حاجته، ثم جاء فصببت عليه من إداوةٍ كانت معي فتوضأ ومسح على خفيه) [متفق عليه:٢٠٣،٢٧٤]

Agamba Mugiira Bun Shu-uba nti "*Twali tuli awoo lumu nga ndi ne nabbi (SAW) kyeyava akka kunsoloye nagenda namala ekyetaagokye. Bweyamala n'ajja nemmufukirira amazzi agaali mukyombo kyenali nnina, n'afuna wudhu (bweyatuuka kubigere) n'asiiga busiizi kungattoze eza (Khuffi)"*

wabula okusiiga kuno ku ngatto kulina akakwakkulizo ko kubeera nga engatto

wazambadde ofunye wudhu (n'ebigere n'obinaaba), wabula bw'oba osiiga engattozo, osiiga kungulu kwazo kwokka, tosiiga wansi waazo.
Ate ekigero ky'ekiseera ky'omala ng'osiigako busiizi: lubeera olunaku lumu n'ekiro kyalwo eri oyo ali ewaka, (atali mulungedo) ate neziba nnaku ssatu n'ebiro byazo eri oyo ali mulungendo, olwo lwakirizibwa okukendeerezaamu esswala.
**Wabula kukutukawo** okusiiga olw'okugwako kwekiseera nga bwetulabye, oba singa ozijjamu oba nga ofunye (janabba) kuba olwo obeera olina okunaaba olunaaba olunene.

## EBYONOONA WUDHU:

Wudhu eno eyonooneka olw'ekimu kubino wammanga;

1. Okuvibwamu ekintu nga kiyita mulimu ku makubo abiri (ag'ekyama) eryemabega oba ery'omumaaso, gamba nga omusulo, ekyetaago ekinene, okuyisa omukka, okuvaamu amaniyyu, okuvaamu amadhiyyu n'omusaayi.
2. Okwebaka okungi.
3. Okulya enyama y'eŋŋamiya.
4. Okuzirika n'okugwebwamu amagezi.

## OKUNAABA OLUNAABA OLUNENE:

Okunaaba olunaaba olunene: kwekubunyisa amazzi omubirigwo gwonna ne nniya ey'okwetukuza, era olunaaba olwo okubeera olutuufu oba olina okunaaba omubiri gwonna nga kw'otadde n'okunyumunguza mukamwa n'okufeesafeesa amazzi mu nnyindo.

Era kyatteeka okunaaba olunaaba luno olunene, singa ekimu ku bino ebitaano kirabikako:

1. Okuvibwamu amazzi ag'ekyama (amaniyyu) kagabeere nga gavuddemu olw'obwagazi misana ng'omuntu atunula oba nga gavudde mu muntu nga ali mu tulo, abeere musajja oba mukazi.
   Wabula singa gafuluma mu muntu (amaniyyu) nga sirwabwagazi nga bwegayinza okumuvaamu olwobulwadde oba obuyitirivu bwobunyogovu, mu mbeera eno takakatibwako kunaaba lunaaba lunene, era kyekimu singa yelootolera natalaba maniyyu ago oba obuufu bwago, wano nawo tekimukakatako kunaaba lunaaba olwo olwa gusulu olunene.
   Naye ate singa alaba amazzi mungoyeze oba mubuliri bwe naye nga tajjukira nti y'elooteredde, mu mbeera eno abeera alina

okunaaba (kababeere babiri omwami n'omukyala nebatamanya nti gaavudde mw'omu kubombi olwo bombi baba bakakaseeko okunaaba)

2. Okusisinkana kw'obukomole obubiri amakulu obweleeere obubiri obw'omusajja n'obwomukazi kababeere nga tebavuddemu mazzi.
3. Okukutukawo kw'omusaayi gwa (Haidwi) gw'omukyala ali mu nsonga zaabwe eza buli mwezi oba ogwa (NIFASI) ogw'omukyala eyaakamala okuzaala.
4. Okufa, kuba kyatteeka okunaaza omufu.
5. Singa atabadde Musiraamu asiramuka kuba kyatteeka gyali okunaaba (wadde nga kino kirimu endaba ezenjawulo)

## Ebiziyizibwa eri oyo alina Janabba:

Janabba kigwawo eri omusajja n'omukyala singa bayingira mu kikolwa eky'okwegatta munsonga z'abafumbo, oba okuvibwamu kwamazzi ago ag'ekyama olw'obwagazi wadde nga tebakoze mukolo gwa bafumbo, oba okuvaamu amazzi ago olw'okwelooterera, kati bino biziyizibwa eri oyo abeera afunye Janabba.

1. Okusaala.
2. Okwetoolola Kaaba (twawaafu)

3. Okukwata ku Qur'an awatali kisiikiriza oba okugisoma mukyama nemulwatu, k'ebeere eri mu mutwe oba ngogijja mu Qur'an (Mus- hafu), nebirala (awatali bwetaavu).
4. Okubeera mu muzikiti ekiseera ekiwanvu (awatali bwetaavu) wabula okuyitamu obuyisi tekiba namutawaana.

## OKUTAYAMMAMA:

Okutayammama kw'ekwetukuza nga tukozesa ettaka oba enfuufu entukuvu oba ekyo kyonna ekiva mu ttaka. Okutayammama kuno kukkirizibwa eri oyo ali ewaka n'oyo ali mu lugendo, era kubeerawo olwokulemererwa okufuna wudhu n'amazzi oba okulemererwa okunaaba olunaaba olunene n'amazzi, nga kubeerawo olw'ensonga zino wammanga;

1. Okubulawo kw'amazzi oba okubeerawo naye nga tegamala kwetukuza nago, naye nga omaze okuganoonya negabula, olwonno bwegakubula otayammama. Oba singa gaba nga gakuli kumpi naye ng'otya okufuna obuzibu singa ogendayo oba okutya okunyagibwa kwemmaliyo, n'ebyobugaggabyo singa obirekawo okugenda okuganoonya.

2. Okubeera nga kubimu kubiyungo ebinaabibwa birina ebiwundu oba ebinuubule obinaaba naye singa otya nga okubinaaba kubikosa obisiigako olusiiga olwangu (olusoboka) n'engalozo. Wabula singa n'okusiiga kuba kunaakukosa, onaaba ebiyungo ebiramu n'otayammama kulwabino ebilwadde.
3. Okubeera nga obudde bwa butiti bunnyogovu nnyo n'otya nti bw'okozesa amazzi gajja kkukosa.
4. Okubeerawo kwamazzi naye nga ate ogetaaga okunywa oba okufumba mumbeera eno otayammama.

## **Engeri y'okutayammama** (Butya bwetutayammama)

Okutayammama, omuntu ateekwa okuleeta enniya mu mutima gwe awatali kugyatula nalulimi. Bw'amala naakuba ebibatubye ku ttaka olukuba lumu, bwamala n'asiiga ekyenyikye, bwamala n'asiigisa ekibatu ky'omukono gwe ogwakkono kungulu kw'ekibatu eky'omukono gwa ddyo, n'ekya kkono oluvannyuma n'akisiiga nga akozesa munda mw'ekya ddyo.

**Eyonooneka Tayammam** na buli kyonna ekyononа wudhu naye yo n'eyongerako okulabika kw'amazzi oba okuvaawo kwekyo ekibadde

kimulemesezza okugakozesa. Ekitegeeza nti singa esswala etuuka nga galabise olina okufuna wudhu so nga singa gafunibwa oluvanyuma olw'okusaala esswala ebeera ntuufu, teddibwamu.

## OMUSAAYI GWA HAIDWI N'OGWA NIFASI:

**Haidwi**: Gwe musaayi ogufuluma mu mukyala nga sibulwadde nga guviira ddala wansi munabaana y'omukyala, so ng'ate sigwa kuzaala, nga gumuvaamu mu buli kiseera ekimanyiddwa, era ne langi yaagwo emanyiddwa; gubeera muddugavu nga guvaamu olusu olubi.
Ate **Nifasi**: Gwe musaayi ogufuluma mu nabaana y'omukazi olw'okuzaala.
Tekikkirizibwa ku mukyala ali mu Haidwi oba mu Nifaasi okubeera nga asaala oba nga asiiba, kulwa hadith eyawandiikibwa Imaam Bukhar ne Musilim;

من حديث عائشة رضي الله عنها - قالت: قال رسول الله ﷺ: ((إذا أقبلت الحيضة فدعي الصلاة، وإذا أدبرت فاغسلي عنك الدم وصلي)) [متفق عليه: ٣٣١]

Agamba Aisha nti yagamba omubaka (SAW) nti: *"Bw'oba nga oyingidde mu biseera bya Haidhwi lekayo okusaala naye ate bw'oba obivuddemu, wenaazeko omusaayi osaale".*

Era omukyala ono taliwa sswala ezo zaaba alese munnakuze ezo nga tazisaala, wabula ate kwo okusiiba aliwa ennaku ezo zeyalyamu.
Era ng'ali mu haidhwi bw'atakkirizibwa kwetoloola Kaaba, era tekikkirizibwa eri bba okwegatta naye mu nsonga zabwe ez'obufumbo ng'ali mu haidhwi, wabula akkirizibwa okweyagala naye mumbeera endala yonna etali yakwegatta naye mumbeera z'obufumbo. Era ono takkirizibwa kukwata ku Qur'an.
N'okutukula kw'owa haidhwi kubaawo nga omusaayi gumaze kukutukawo nga tegukyajja, olwonno n'ekiba kya tteeka gy'ali okunaaba olunaaba olunene, olwonno nakkirizibwa ebyo byonna ebibadde bimuziyiziddwako
Singa omukyala agenda mu haidhwii oba mu nifaasi nga ekiseera ky'esswala kibadde kimaze okuyingira, ate nga tannaba kusaala, ekisinga obutuufu mu ndabaa z'abamanyi kiri nti, bw'atuukula alina okuliwa esswala eyo.
Ate era singa atukula omu kubo nga ekiseera ky'esswala kisigaddeko akaseera omuntu mw'asaalira yadde laaka emu yokka, kiba kimukakaseeko omukyala oyo okusaala esswala eyo, wabula kibeera sunna era kyagalibwa okubeera nga asaalirako n'esswala egattibwa ku sswala eyo gy'asanze singa omuntu abeera agatta. Okugeza

singa omukyala atukula nga Aswiri ebuzaayo akaseera ka laaka emu, anaaba n'asaala Aswiri eyo, so nga kirungi asaalireko ne Swalatu dhuhuri kuba esswala zino zombi zigattibwa mukiseera ekimu. Era singa atukudde ku kiseera kya sswala ya Ishai bwatyo agisaale ate era kiba sunna ne Magaribi okugisaala.

# ENNAMULA Z'ESSWALA:

## أحكام الصلاة

Esswala mpagi ey'okubiri mu mpagi z'obusiraamu era ya tteeka kubuli Musiraamu yenna ategeera akuze. Nga n'okukula mu busiraamu kitegeeza omuntu awezezza emyaka ekkumi n'etaano, oba okumera ebyenkwawa, oba okwerooterera n'ebirala. So ng'ate omukyala ye y'eyongerako okugenda mu haidhwi. Wonna omuntu wafunira ekimu kubino abeera akuze.

Era oyo yenna awakanya obwetteeka bw'esswala abeera akafuwadde nga kino abamanyi bakyegattako, wabula kwo okugireka olw'obugayaavu n'obulagajjavu ba swahaaba beegatta kubukafiiri bw'omuntu oyo. Era esswala gwemulimu ogugenda okusooka okubalibwa mu mirimu gy'omuddu kulunaku lw'enkomerero.
Agamba Allah mu Suratu Nisaai aya 103 nti:

﴿ إِنَّ الصَّلاةَ كَانَتْ عَلَى الْمُؤْمِنِينَ كِتَاباً مَوْقُوتاً ﴾ [النساء:١٠٣]

*"Mazima esswala (yabeera) eri omukkiriza nga emulaalikiddwako mukiseera ekimanyiddwa".*

Era agamba omubaka (SAW) mu hadith eyawandiikwa Imaam Bukhar ne Musilim:

عن ابن عمر ﵁، أن النبي ﷺ قال: ((بُني الإسلام على خمس: شهادة إلا إله إلا الله، وأنَّ محمدًا رسول الله، وإقام الصلاة، وإيتاء الزكاة، والحج، وصوم رمضان)) [متفق عليه: ٨،١٦]

Agamba Ibun UMARU nti mazima omubaka (SAW) yagamba nti: *"Bwazimbibwa obusiraamu ku mpagi ttaano; okukkiriza mu mutima, n'oyatuza n'olulimi nti tewali asinzibwa mu mazima okujjako Allah, era n'okukkiriza nti ne nabbi Muhammad mubaka wa Allah, n'oyimirizaawo esswala era n'otoola ne zaka n'okukola Hijja era n'osiiba n'omwezi gwa Ramadhan".*

Era agamba omubaka mu Hadith eyawandiikibwa Imaam Musilim:

وعن جابر بن عبدالله ﵁ قال: سمعت رسول الله ﷺ يقول: ((إنَّ بين الرجل وبين الشرك والكفر ترك الصلاة )) [رواه مسلم: ٨٢].

Agamba Jabiri Bun Abdallah nti: nawulira omubaka wa Allah (SAW) nga agamba nti: *"Mazima enjawulo eri wakati w'omusajja (omukkiriza) n'omushiriku era n'omukafiiri kuleka sswala".*

Amakulu nti: omuntu waalekera esswala, nebwayambala ekkanzu nenkofiira kasita aleka esswala taba nanjawulo na mushiriku Omukafiiri, Allah atutaase n'ezadde lyaffe).

Era kisaana kimanyibwe nti okuyimirizaawo esswala kujjudde obulungi buyitirivu ddala ate obutenkanika, nga bw'agamba omubaka mu Hadiith eyawandiikwa Imaam Musilim.

عن أبي هريرة -رضي الله عنه- قال: قال رسول الله ﷺ: ((من تطهر في بيته ثم مشى إلى بيت من بيوت الله، ليقضي فريضة من فرائض الله، كانت خطواته إحداهما تَحُطُّ خطيئة، والأخرى ترفع درجة )) [رواه مسلم:٦٦٦ ]

Agamba Abi Hurairat nti; Omubaka wa Allah (SAW) yagamba nti *"Omuntu eyetukuza munjuuye n'oluvanyuma n'agenda mu nyumba mu mayumba ga Allah atuukirize Ibaada eyetteeka mu Ibaada za Allah ezetteeka abeera buli kigere ky'asitula ekimu kubyo kimusanguzaako ekibi ate ekirala n'ekimusituza eddala".*

Era n'agamba mu Hadith eyawandiikwa Musilim:

وعنه رضي الله عنه ، أن رسول الله -ﷺ- قال: ((ألا أدلكم على ما يمحو الله به الخطايا، ويرفع به الدرجات)) قالوا: بلى يا رسول الله، قال: ((إسباغ الوضوء على المكاره، وكثرة الخطا إلى المساجد، وانتظار الصلاة بعد الصلاة، فذلكم الرباط)) [رواه مسلم: ٢٥١ ].

Agamba era nti mazima omubaka wa Allah (SAW) yagamba nti *"Abaffe mbalagirire ekyo omuntu ky'akola Allah n'amusangulako ebyonoono era*

*n'ekimusitula amadaala? Twagamba nti yye tulagirire owange omubaka wa Allah, n'agamba nti kwekujjuza wudhu mu biseera ebizibu, n'okuyitiriza ennyo okugenda ku mizikiti, wamu n'okulindirira esswala endala oluvanyuma lw'esswala, mazima okwekwata kw'ebyo bwe buwanguzi".*

Era agamba mu Hadith eyawandiikwa Imaam Bukhar ne Musilim:

وعنه ـ رضي الله عنه ـ أيضًا، عن النبي ـ صلى الله عليه وسلم ـ قال: ((من غدا إلى المسجد أو راح، أعد الله له في الجنة نزلاً، كلما غدا أو راح)) [ متفق عليه: ٦٦٢، ٦٦٩].

Agamba nti: *"Omuntu akeera ku muzikiti oba agendayo akawungeezi, amutegekera Allah mu jjana obugenyi buli lwakeerayo oba lwagendayo akawungeezi".*

## Mazima mu nsonga enkulu ezikwata ku sswala mwemuli;

1. Obwetteeka bwe sswala ya Jama-a mu muzikiti eri abasajja, nga bw'agamba mu Hadith eyawandiikibwa Imaam Bukhar ne Musilim:

في الحديث: (( لقد هممت أن آمر بالصلاة فتقام، ثم أخالف إلى منازل قوم لا يشهدون الصلاة معنا فأحرق عليهم )) [متفق عليه: ٢٤٢٠،٦٥١].

Agamba omubaka (SAW) nti: *"Negombye okulagira esswala eyimirizibwewo oluvanyuma njolekere eri amayumba g'abasajja abatasaala naffe sswala mu jama-a ngabakumireko omuliro".*

2. Era omusiraamu asaanye okujja nga obudde bukyali eri esswala ku masijidi nga mukkakkamu era nga muteefu (ebirowoozo).
3. Era kiri sunna eri oyo ayingira mu muzikiti okkulembeza okugulukwe okwaddyo ng'ayingira era n'asoma edduwa nga bweyigirizibwa mu Hadith eyawandiikwa Imaam Musilim nti:

(( اللَّهُمَّ افْتَحْ لِي أَبْوَابَ رَحْمَتِكَ )) [ رواه مسلم: ١٦٥٢ ].

Egamba nti: ***"Allaahumma ftahlii abuwaaba rahmatik"***

Amakulu (Ayi Katonda mukama wange nziguliraawo emiryango gy'okusaasirakwo).

**4.** Era kiri sunna bw'aba ayingidde nga tannatuula, okusaala raaka bbiri nga bwekiri mu Hadith eyawandiikibwa Imaam Bukhar ne Musilim nti:

لحديث أبي قتادة ﷺ، أن رسول الله ﷺ قال: ((إذا دخل أحدكم المسجد، فليركع ركعتين قبل أن يجلس)) [متفق عليه: ٤٤٤، ٧١٤].

Agamba Abu Qatada nti mazima omubaka (SAW) yagamba nti: *"Omu mummwe bw'abanga ayingidde omuzikiti asaaleyo raaka bbiri nga tannatuula"*

**5.** Era kyatteeka okubikka obwereere mu sswala, era obwereere bw'omusajja buva ku kkundi okutuusiza ddala ku maviivi, so nga ye omukyala yenna bwereere okujjako ekyenyikye mu sswala.

**6.** Era asaala ateekwa okwolekera ekibula era nga kano kakwakkulizo mu kutuuka kwe sswala, okujjako mungeri bbiri:
*Esooka* kw'ekubawo kw'ekimulemesa ng'obulwadde n'ebirala
Eyookubiri: mu lugendo ng'ali mu kutambula, naye nga kino kikolera ddala okusinga mu sswala eza sunna ezitali zatteeka okujjako olwa naakola ntya.

**7.** Era kikakata ku mukkiriza okuyimirizaawo esswala mu kiseera kyayo kuba tetuuka esswala gy'asaala omuntu nga ekiseera kyayo tekinatuuka, so nga era tekikkirizibwa

kujikeereya okutuuka ekiseera kyayo lwekiggwako.

**8.** Asaana okukeera okugenda eri esswala n'okwekuuma okulaba nga atuula kulunyiriri olusooka era n'okulindirira esswala kuba mu bino mulimu obulungi bungi ddala, nga bwekiri mu hadith eyawandiikwa Imaam Bukhar ne Musilim:

فعن أبي هريرة ـ رضي الله عنه ـ قال: قال رسول الله ﷺ: ((لو يعلمُ الناس ما في النداء والصف الأول، ثم لم يجدوا إلا أن يستهموا عليه لاستهموا، ولو يعلمون ما في التهجير [ أي: التبكير] لاستبقوا إليه ... الحديث)) [ متفق عليه: ٦١٥، ٤٣٧ ].

Agamba Abi Huraira nti yagamba omubaka wa Allah nti: "*Singa baali bamanyi abantu obulungi obuli mukwaziina n'olunyiriri olusooka oluvanyuma nebatafuna bwangu (bubifuna) okujjako kukuba kalulu okulonda abituukakako bandikikoze, era singa baali bamanyi obulungi obuli mu kwanguwa okugenda gyebiri bandi byanguyidde wakati mu kuvuganya".* Era agamba mu hadith era eya Imaam Bukhar ne Musilim:

وعنه رضي الله عنه، أَن رسول الله ـ ﷺ ـ قال: ((لا يزالُ أحدُكُم فِي صلاةٍ ما دامت الصلاةُ تَحبِسهُ...الحديث )) [رواه البخاري ومسلم: ٦٥٩ – ٦٤٩].

Era mwennyini agamba nti mazima omubaka (SAW) yagamba nti: *"Talekaayo okubeera omu mumwe nga ali mu sswala ebbanga ly'amala esswala nga yemusibye mu masijidi amakulu nga agirinda..."*

## Ebiseera by'esswala:

- Ekiseera kya **Dhuhur** kitandika nga enjuba ekyuse neyita wakati weggulu nga eyolekera gyegwa, okutuusa lwekibeera ekisikirize ky'ekintu nga kikyenkanye obuwanvu bwakyo.
- Ekiseera kye sswala ya **Aswiri** kitandika okuva lwekiba ekisiikirize kya buli kintu nga kikyenkana okutuusiza ddala enjuba lw'egwa.
- N'ekiseera kya **Magaribi** kitandika nga enjuba egudde okutuusa ebire ebimyufu lwebiggwawo, amakulu ekyo ekimyufu ekigoberera okugwa kw'enjuba.
- N'ekiseera kya **Ishai** kitandika kukuggwawo kw'ekire ekimyufu n'okutuusiza ddala amakkati g'ekiro.
- N'ekiseera kya **Fajiri(Subuhi)** kitandika nga Fajiri (Emmambya) esaze okutuusa okuvaayo kw'enjuba.

## Ebifo ebitakkirizibwa kusaalirwamu:

1. ***Mu limbo:*** Olw'ekigambo ky'Omubaka (SAW) yagamba mu hadith eyawandiikibwa abamanyi abataano nga ntuufu.

((الأرض كلها مسجدٌ، إلا الحَمَّام والمقبرة)) [رواه الخمسة، وهو حديث صحيح]

Agamba omubaka (SAW) nti: *"Ensi yonna buli wamu basaalirawo okujjako mu binaabiro ne limbo".* So nga yo esswala y'omufu ekkirizibwa okusaalira mu limbo.

2. ***Okusaalira ku ntaana:*** Nga bwekiri mu Hadiith eyawandiikwa Imaam Musilim:

فعن أبي مَرثَد الغَنَوي - رضي الله عنه - قال: سمعت رسول الله -صلى الله عليه وسلم- يقول: ((لا تصلوا إلى القبور، ولا تجلسوا عليها)) [رواه مسلم: ٩٧٣].

Agamba Abi marathad AL-ganawi nti nawulira omubaka wa Allah (SAW) nga agamba nti: *"Temusaaliranga kuntaana era temuzituulangako".*

3. ***Ekisibo ky'engamiya:*** Kino nakyo tekikkirizibwa kusaalirwamu, nga nate era bwekiri nti ekifo kyonna ekirimu obukyafu, enagisi tetukisaaliramu.

# ENGERI GYETUSAALAMU

## كيفية الصلاة

Okutandika okusaala oteekwa okusooka okuleeta enniya era nga bwekiri mu Ibaada endala naye tetugyatula na lulimi

## Engeri y'okusaala y'eno:

**1.** Omusaaze ayolekera ekibula n'omubirigwe gwonna awatali kukyukakyuka wadde okumagamaga.

**2.** Oluvanyuma aleeta takibiira ey'emizizo n'agamba nti ***"Allahu Akbar"*** era asitula emikonogye nga aleeta takibiira eyo nga agitadde waggulu gyenkanyenkanye n'ebibegabegaabye oba namulegeya w'amatuuge.

**3.** Oluvanyuma aleeta ekibatukye ekya ddyo kungulu kwekibatu kye eky'omukono ogwakkono nabiteeka ku kifubakye waggulu.

**4.** Bw'amala asoma edduwa eggulawo esswala, nga bwekiri mu hadith eyawandiikibwa Abu Dawuda ne Tirimidh Alban nagifulumya nga ntuufu egamba:

«سُبْحَانَكَ اللَّهُمَّ وَبِحَمْدِكَ وَتَبَارَكَ اسْمُكَ وَتَعَالَى جَدُّكَ وَلاَ إِلَهَ غَيْرُكَ».

***Subhaanaka Llaahumma wabihamdika watabaaraka smuka wata-aalaa jadduka walaa ilaaha ghairuka.***
Amakulu: wayawukana n’otukula Ayi Katonda mukama wange n’amatendogo ag'awaggulu era lyatukula erinnya lyo n’ekigulumira ekitiibwakyo tewali mulala asinzibwa mu mazima atali ggwe.

Oba n’asoma nga agamba nga bwekiri mu Hadith eyawandiikibwa Imaam Musilim nti:

الْحَمْدُ لله حَمْدًا كَثِيرًا طَيِّبًا مُبَارَكًا فِيهِ.

***Alhamdu liLlaahi hamdan kathiiran tayyiban mubaarakan fiih.***
Amakukulu: Amatendo gonna amulungi ga Allah atenderezebwa ennyo n’ebirungi ebyemikisa biri gyali.
Asoma edduwa ezo oba endala mu dduwa eziggulawo esswala, era ekisinga obulungi kwekubeera nga azisoma azikyusakyusa n'atekuumira ku dduwa emu, ekyo ky'ekisinga n’okuyamba okuleetera omuntu obwewombeefu mu sswala n’obugonvu n’okusembeza omutima mu sswalaye.
**5.** Bw’amala asoma nti; "***A_uthu billahi mina shayitan Errajeem".***
Amakulu: N'ewogoma eri Allah okuntaasa obubi bwa shaitwani enkolimire.

**6.** Bw'amala asoma Surat Alfatiha bwati:

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ (١)

الْحَمْدُ لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ (٢) الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ (٣) مَالِكِ يَوْمِ الدِّينِ (٤)
إِيَّاكَ نَعْبُدُ وَإِيَّاكَ نَسْتَعِينُ (٥) اهْدِنَا الصِّرَاطَ الْمُسْتَقِيمَ (٦) صِرَاطَ
الَّذِينَ أَنْعَمْتَ عَلَيْهِمْ غَيْرِ الْمَغْضُوبِ عَلَيْهِمْ وَلَا الضَّالِّينَ (٧)

Amakulu:

1) Nsooka okusoma erinnya lya Allah omusaasizi ow'ekisa ekingi.
2) Amatendo gonna amalungi era ag'awaggulu ga Allah, omulezi w'ebitonde byonna.
3) Omusaasizi ennyo, ow'ekisa ekingi.
4) Omufuzi w'olunaku lw'enkomerero
5) Gwe wekka Ayi Allah gwetusinza era gwe wekka Allah gwetusaba obuyambi.
6) Tuluŋŋamye ku kkubo eggolokofu (era litunywerezeeko)
7) Ekkubo ery'abo bewagabira ebyengera, eritali ly'abo bewasunguwalira wadde abo abaabula.

(Amiina) Ayi Allah kkiriza.

**7.** Bw'amala asoma ekitundu ekiba kimwanguyidde mu Qur'an.

**8.** Bw'amala akutama ku maviivi nga awanise emikonogye nagyenkanyankanya ebibegabegaabye

era nga bw'aleeta takibiira nti ***'Allahu Akbar'***, bw'atyo wano ku rukuu-u ateeka ebibatubye kumaviviige nga agavumbagatidde n'asoma nga agamba nti ***'subuhana rabbiyal adhiim'***
Era kiri sunna okukiddiŋŋana emirundi esatu so nga era akkirizibwa okusussaawo kw'egyo wadde nga n'ogumu gumala.

**9.** Bw'amala asitula omutwegwe okuva mu Ruku-u nga bwagamba nti ***"sami-a llahu liman hamidah"***, nga kino ky'ogerwa Imaam n'oyo asaala obwomu, era kisomebwa omuntu nga asitudde emikonogye era nagyenkanyankanya n'ebibegabegabye nga akutaamulukuka okuva mu Ruku-u.
So nga ate bbo abagoberezi n'oyo asaala yekka bagamba nti ***"rabbana walakal hamd***" mukifo ky'okugamba nti ***samia llahu liman hamidah***, era bw'atyo ateeka ekibatukye ekyaddyo waggulu w'ekibatu ky'omukonogwe ogwakkono kukifubakye waggulu.

**10.** Asoma awo nga ayimiridde nga bwekiri mu hadith eyawandiikibwa Imaam Musilim:

((اللَّهُمَّ رَبَّنا لَكَ الحَمْدُ، مِلْءَ السَّمَاوَاتِ ومِلْءَ الأَرْضِ وَمِلْءَ مَا بَينَهُما، وَمِلْءَ مَا شِئْتَ مِنْ شَيْءٍ بَعْدُ)) [ رواه مسلم: ٧٧١ ].

***"Allaahumma rabanaa lakal hamdu mil- assamaawaati wamil- al ardh wamil-a maa bainahumaa wamil- a maa shi- ieta min shai- in ba-ad"***

**11.** Bwamala avunnama oluvunnama olusooka, ng'agenda mu kuvunnama, akka wansi nga bwaleeta takibiir nti ***Allahu Akbar*** era bw'atyo asaana akakase nti avunnamidde ku biyungobye omusanvu nga nabyo kye kyenyi ng'otwaliddeko n'enyindo, ebibatu ebya sayidi zombi, n'amaviivi, n'obugere obwa sayidi zombie. Bw'atyo era alina okw'awula neyesambya emikono gye kumubirigwe era n'ayorekeza enwe z'ebigere bye mu kibula bwatyo n'asoma nga ali wansi nti ***(subuhana rabbiyal a-ala)***. Era kiri sunna okukiddiŋŋana emirundi esatu, so nga era kikkirizibwa okwongera ko,naye ate n'ogumu gukumalira.

Era nga kyagalwa nnyo okubeera nga oyitiriza okusabirawo edduwa z'oba oyagala kubanga kifo ky'akwanukulirwamu dduwa.

**12.** Oluvanyuma ositula omutwe okuva mu luvunnama olwo nga bw'ogamba nti ***Allahu Akbar*** n'otuula wakati w'envunnama ebbiri, ng'otuulira ekigere kyo ekya kkono n'ositula ekyaddyo n'oteeka engalo zo ezaddyo ku kisambikyo ekyaddyo okuliraana evviivi erya ddyo, era bw'otyo n'oteeka n'engalozo eza kkono kukisambikyo ekya kkono

okuliraana evviiviryo eryakkono nga engalozo ozanjuluzza ez’emikono gyombi, era bw’otyo n’osoma nnyo n’ogamba nti ***rabbi igfirli rabbi igfirli.***

**13.** Bw’omala, ovunnama oluvannama olw'okubiri n’okola nga era bwewakoze mu lusooka.

**14.** Bw’omala oyimirira nga bwosoma nti ***Allahu Akbar*** n'otereela bulungi mukuyimirira bw'otyo.

**15.** Bw’omala n’oleeta raaka eyokubiri nga bw'oleese esoose mu bikolwa ne mubigambo okujjako nti muyo toddamu kusoma dduwa eggulawo sswala wadde okuleeta isti-aza nga bwetwakoze.

Bw'omala raaka eyokubiri bw'otyo otuula nga bwewattudde wakati w’envunnama ebbiri okujjako nti wo ozinga engalo zo ez’omukono ogwaddyo n’ozisiba ekikonde n’osibisa engaloyo eya kyala kisajja engalo eyawakati ate yo eddiridde kyala kisajja n’olaza nayo, n’osoma Tashahudu nga bwekiri mu Hadith eyawandiikibwa Imaam Bukhar;

(( التَّحِيَّاتُ لله، والصَّلَوَاتُ والطَّيِّبَاتُ، السَّلاَمُ عَلَيْكَ أَيُّهَا النبيُّ وَرَحْمَةُ الله وبَرَكَاتُهُ، السَّلاَمُ عَلَيْنَا وعَلَى عِبَادِ الله الصَّالِحِينَ، أَشْهَدُ أَنْ لا إلهَ إلا الله، وأَشْهَدُ أَنَّ مُحَمَّداً عَبْدُهُ ورَسُولُهُ )) [ رواه البخاري: ٨٣١ ].

***"Attahiyyaatu liLlaah, wasswalawaatu wattwayyibaatu, assalaamu alaika ayyuha nnabiyyu warahmatu Llaahi***

***wabarakaatuh, assalaamu alayinaa wa- alaa eibaadi Llaahi sswalihiin, ashihadu allaa eilaaha illa Llaah, wa-ash-hadu anna Muhammadan abuduhuu warasuuluh".***
Agamba nti: "Ebilamuso byonna eby'emirembe bya Allah n'okusaba okujjudde okugulumiza kwa Allah yekka, n'ebirungi mubigambo ebisuuta Allah, emirembe gibeere gy'oli owange nabbi n'okusaasira kwa Allah n'emikisagye, era emirembe gibeere gyetuli n'eri abaddu ba Allah abalongoofu, nzikiriza era nenjatuza n'olulimi lwange nti tewali asinzibwa mu mazima okujjako Allah era nenkakasa nenzikiriza n'olulimi lwange nti mazima nabbi Muhammadi mudduwe era mubakawe.

Era waliwo n'enjatula endala ezajja okuva ku nabbi (SAW) nga nazo ntuufu kunsonga eno eya Tashahudu.
Bw'amala asituka nayimirira bw'abeera asaala esswala ya Raaka ssatu Magaribi oba ya Raaka nnya nga dhuhur ne Aswir ne Ishai. Asituka aleeta takibiira nti ***Allah Akbar*** era nga asitula emikonogye nagyenkanya ebibegabegabye mu kiseera ky'okusituka, bw'atyo era ajjuza esswalaye nga bwetulabye raaka eyokubiri okujjako nti mu Raaka zino z'anona nga amaze Tashahudu, asoma Suratu Alfatiha (Alihamudu) yokka bw'aba ayimiridde okusoma. Bwamala oluvunnama olwokubiri mu raaka esembayo olwo atuula n'asoma

era Tashahudu nayongerako okusaalira nabbi okumanyiddwa nga swalat Ibrahimiya, nabyo byebino;

((التَّحِيَّاتُ لله، والصَّلَوَاتُ والطيِّبَاتُ، السَّلاَمُ عَلَيْكَ أَيُّهَا النبيُّ وَرَحْمَةُ الله وبَرَكَاتُهُ، السَّلاَمُ عَلَيْنَا وعَلَى عِبَادِ الله الصَّالِحِينَ، أَشْهَدُ أَنْ لا إِلهَ إلا الله، وأَشْهَدُ أَنَّ مُحَمَّداً عَبْدُهُ ورَسُولُهُ، اللّهُمَّ صَلِّ عَلَى مُحَمَّدٍ، وَعَلَى آلِ مُحمَّدٍ، كما صَلَّيْتَ عَلَى إبراهيم وَعَلَى آلِ إِبْرَاهيمَ، إِنَّكَ حَمِيدٌ مَجِيدٌ، اللهم بَارِكْ عَلَى مُحَمَّدٍ، وعَلَى آلِ مُحَمَّدٍ، كَمَا بَارَكْتَ عَلَى إِبْرَاهيمَ، وَعَلَى آلِ إِبْرَاهيمَ، إِنَّكَ حَمِيدٌ مَجِيدٌ)).

***"Attahiyyaatu liLlaah, wasswalawaatu wattwayyibaatu, assalaamu alaika ayyuha nnabiyyu warahmatu Llaahi wabarakaatuh, assalaamu alayinaa wa- alaa eibaadi Llaahi sswalihiin, ashihadu allaa eilaaha illa Llaah, wa-ash-hadu anna Muhammadan abuduhuu warasuuluh. Allaahuma swallii alaa Muhammad wa alaa aali Muhammad kamma swallaita alaa Ibrahiim, wa- alaa aali Ibrahiim innaka hamiidun majiide. Allaahuma baarik alaa Muhammad wa alaa aali Muhammad kamma baarakta alaa Ibrahiim, wa- alaa aali Ibrahiim innaka hamiidun majiide***

Amakulu: Ebilamuso byonna ebyemirembe bya Allah n'okusaba okujjudde okugulumiza kwa Allah yekka, n'ebirungi mubigambo ebisuuta bya Allah, emirembe gibeere gy'oli owange nabbi n'okusaasira kwa Allah n'emikisagye. Emirembe gibeere gyetuli n'eri abaddu ba Allah abalongoofu. Nzikiriza

n'enkakasa era n'enjatuza n'olulimi lwange nti tewali asinzibwa mu mazima okujjako Allah era nenzikiriza nenjatuza n'olulimi lwange nti mazima nabbi Muhammadi muddu wa Allah era mubukawe.
Ayi Katonda mukama wange nkusaba osse okusaasira eri nabbi Muhammadi n'eri abantu ba nabbi Muhammadi nga bwewassa okusaasira eri Ibrahim n'eri abantu ba Ibrahim mazima gwe atenderezebwa omugulumivu. Ayi Katonda mukama wange nkusaba osse emikisa ku nabbi Muhammadi n'eri abantu ba Nabbi Muhammadi nga bwewassa emikisa ku Ibrahim n'eri abantu ba Ibrahim mazima gwe atenderezebwa omugulumivu.
Bw'aba amalirizza, asaana asabe edduwa ezenjawulo zonna z'aba ayagadde era nga kiri sunna okusoma ennyo edduwa omubaka (SAW) gye yayigiriza egamba nti:

((اللَّهُمَّ إِنِّي أَعُوذُ بِكَ مِنْ عَذَابِ الْقَبْرِ، وَمِنْ عَذَابِ النَّارِ, وَمِنْ فِتْنَةِ الَمحْيَا والمَمَاتِ، ومِنْ فِتْنَةِ المَسِيحِ الدَّجَّالِ )).


***Allaahumma innii a-uudhu bika min Athaabil qabri wamin azhaabi nnaar wamin fitnatil mahyaa wal-mamaat wamin sharri fitnatil massiihi ddajjaal***
Egamba: Ayi Katonda mukama wange mazima nze newogoma mugwe onkingirize ebibonerezo by'entana n'ebibonerezo by'omuliro wamu

n'ebikemo mubulamu n'okufa era nsaba onkingirize (ebikemo) n'ebigezo bya Masiihi ddajjalu.

**16.** Bw'amala asaza salaam (akyusa omutw'egwe) kuddyo ne kukkono nga bw,agamba nti;

Assalaam alayikumu warahumatu Llah, assalaamu alayikumu warahumatu Llah.

**17.** So nga kiri sunna ku Tashahudu eyo esembayo ku sswala ezisoba mu raaka ebiri nga Dhuhur, Aswiri Magaribi ne Ishai. Okutuula nga atuulidde obutuuliro bwe, n'asitula ekigere kye ekya ddyo, n'afulumya ekigerekye ekya kkono wansi w'entumbweze ezaddyo, bw'atyo nakkaliza obutuulirobwe ku ttaka, n'ateeka emikonogye kubisambi bye nga bwetulabye ku Tashahudu esoose. Era kiri sunna omusaaze okusoma azikaar zino oba ezimu kuzo.



# AZIKAARI oluvannyuma lw'esswala:
# الأذكار بعد الصلاة

Yagambanga omubaka nga bwekiri mu Hadith eyawandiikibwa Imaam Musilim nti:

((أَسْتَغْفِرُ اللهَ، أَسْتَغْفِرُ اللهَ، أَسْتَغْفِرُ اللهَ، اللَّهُمَّ أَنْتَ السَّلامُ ومِنْكَ السَّلامُ، تَبَارَكْتَ يا ذَا الجَلالِ والإِكْرَام)) [ رواه مسلم: ٥٩١ ].

***Astaghfirullah Astaghfirullah Astaghfirullah Allahumma anta al-salam wa minka al-salam tabaarakta ya dhal-jalaali wa'l-ikram***

Yagamba nti: "*Ayi Allah nsaba okunsonyiwa, ayi Allah nsaba okunsonyiwa, Ayi Allah nsaba okunsonyiwa. Ayi Katonda mukama wange Ggwe mirembe era gy'oli yewava emirembe, oli waamukisa watukula Allah nanyini bugulumivu n'ebitiibwa".*

Era n'agamba nga bwekiri mu Hadith eyawandiikibwa Imaam Bukhar ne Musilim nti:

((لاَ إِلَهَ إِلاَّ اللهُ وَحْدَهُ لاَ شَرِيكَ لَهُ، لَهُ الْمُلْكُ، وَلَهُ الحَمْدُ، وَهُوَ عَلى كُلِّ شَيءٍ قَدِيرٌ، اللَّهمَ لاَ مَانِعَ لِمَا أَعْطَيتَ، ولاَ مُعْطِيَ لِمَا مَنَعْتَ، ولاَ يَنْفَعُ ذا الجدِّ مِنْكَ الجَد)) [ متفق عليه: ٨٤٤، ٥٩٣].

***La ilaha ill-Allah wahdahu la sharika lah, lahu'l-mulk wa lahu'l-hamd wa huwa 'ala kulli shay'in qadir, Allahumma la mani'a lima a'tayta wa la mu'tiya lima mana'ta wa la yanfa'u dha'l-jaddi minka al-jadd***

Yagambanga nti: *"Tewali asinzibwa mu mazima okujjako Allah omu yekka tayina amwegattako, yennanyini bwa kabaka era yennanyini matendo gonna amalungi nga majjuvu, era Yye buli kintu akiyinako obusobozi. Ayi Katonda mukama wange tewali amma oyo gw'oba owadde ate tewali awa oyo gw'oba ommye era tebigenda kumugasa nanyini bya bugagga gy'oli eby'obugaggabye".*

Era yasomanga nga bwekiri mu Hadith eyawandiikibwa Imaam Musilim:

«لاَ إلهَ إلاَّ اللهُ وَحْدَهُ لاَ شَرِيكَ لَهُ، لَهُ المُلْكُ، وَلَهُ الحَمْدُ، وَهُوَ عَلى كُلِّ شَيءٍ قَديرٌ، لاَ حَوْلَ وَلاَ قُوَّةَ إلاَّ بِالله، لاَ إلهَ إلاَّ اللهُ، ولاَ نَعبُدُ إلاَ إيَّاهُ، لهُ النِّعمَةُ ولهُ الفَضْلُ، ولهُ الثنَاءُ الحَسَنُ، لاَ إلهُ إلاَّ اللهُ مُخْلِصينَ لهُ الدِّينَ ولَو كَرِهَ الكَافِرونَ» [رواه مسلم: ٥٩٤].

***La ilaha illa-llah wahdahu laa shariika lahu, lahu'l-mulk wa lahu'l-hamd wa huwa 'ala kulli shay'in qadir, La hawla wa la quwwata illa Billah La ilaha illa-llah wa la na'budu illa iyyah. Lahu'l-ni'mah wa lahu'l-fadl wa lahu'l-thana al-hasan. La ilaha ill-***

***Allah mukhlisina lahu'l-ddiina wa law kariha'l-kafirun***

Yasomanga nti: "*Tewali asinzibwa mu mazima okujjako Allah ali omu yekka tewali amwegattako yennanyini bwa Kabaka, yennanyini matendo gonna amalungi era amajjuvu, era buli kintu akilinako obusobozi. Tewali ayina busobozi wadde amaanyi okujjako nga biva wa Allah. Tewali asinzibwa mu mazima okujjako Allah era tetusinza kintu kyonna okujjako Yye. Yennanyini byengera era yennanyini burungi era y'alina okusuutibwa okulungi tewali asinzibwa mu mazima okujjako Allah era ayawulibwa kuyye eddiini kababeere nga abo abatakkiriza ekyo bakitamwa".*

N'oluvanyuma asoma nga bwekiri mu Hadith eyawandiikibwa Imaam Musilim nti:

بعدها يقول: ((سُبْحَانَ اللهِ)) ثلاثًا وثلاثين مرةً، و ((الحَمْدُ للهِ)) ثلاثًا وثلاثين مرةً ، و (( اللهُ أَكْبَرَ )) ثلاثًا وثلاثين مرةً.

Asoma nti: ***subuhanallah x 33, alhamuddu lillah x 33, wa allah Akbar x 33.***

Bw'atyo bw'amala n'asoma nga ajjuza ekikumi;

ثم يقول تمام المئة: (( لاَ إِلهَ إِلاَّ اللهُ وَحْدَهُ لاَ شَرِيكَ لَهُ، لَهُ الْمُلْكُ، وَلَهُ الحَمْدُ، وَهُوَ عَلى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ )) . [رواه مسلم: ٥٩٧].

***La ilaha illa-llah wahdahu laa shariika lahu, lahu'l-mulk wa lahu'l-hamd wa huwa 'ala kulli shay'in qadir.***
Agamba nti: Tewali asinzibwa mu mazima okujjako Allah, ali omu yekka tewali amwegattako yennanyini bwa Kabaka era yennanyini matendo gonna amajjuvu era buli kintu akilinako obusobozi.

Era asoma Aayatu-li- **Kurusi**, n'asoma ne **qul huwa llaahu ahade** ne **falaqi ne Naasi** buli luvannyuma lwa buli swala era kirungi nnyo era kyagalwa nnyo esuula zino essatu okuziddiŋŋana emirundi esatu esatu oluvannyuma lwa swalat alfajr ne al maghreb.

## Omuntu gwe basoose mu sswala:

Omuntu abeera ayitiddwako ekintu kyonna mu swala gamba nga raaka oba okusingawo akijjuza ekiba kimuyiseeko oluvanyuma lwa Imaam okusaaza salaamu ey'okubiri. Era ebeera entandikwa ye ey'esswalaye etandikira awo weyasanze Imaam. Okusanga kwa raaka eyo wayingiridde kubaawo nga asanze Imaam nga tannava ku maviivi olwo eyo raaka aba agisanze, wabula singa amusanga nga amaze (Imaam) okukutamulukuka n'ava ku maviivi eyo raaka namba ebeera emuyiseeko.

Kigwana eri oyo ayitiddwako ekitundu ku sswala, amangu ddala nga ayingidde omuzikiti awo wonna wasanze Imaam amweyungeko butereevu awatali kulindiriza, asobole okufuna Jama-a. Kuba tekigwana kubalinda mbu bamale kuyimirira kunona raaka ndala alyoke abeegatteko.
Mu kubeegattako, asooka n'aleeta takibiira ey'emizizo nga akyayimiridde, okujjako oyo alina ekisonyiyisa nga tasobola kuyimirira asaala atudde.

## Ebyonoona esswala:

**1.** Okwogera mubugenderevu kabibe bigambo bitono.

**2.** Okukyuka n'omubiri gwo gwonna n'ova mu kibula.

**3.** Okufuna ekizuusi mubizuusi ebyonoona wudhu.

**4.** Ebikolwa ebinji ate nga byediriŋŋanye awatali nsonga yaabuwaze.

**5.** Okuseka kakubeere kutono nnyo.

**6.** Singa obaako nekyoyongeramu gamba nga okukutama oba okuvunnama oba okuyimirira oba okutuula nga kino okikoze mu bugenderevu.

**7.** Okukulembera Imaam okutuuka ku kiyungo mu bugenderevu.

## Ebyetteeka mu sswala:

**1.** Takibiira zonna nga ojjeeko takibiira eyemizizo.

**2.** Okusoma nti ***'subuhana rabbiyal azwiimu'*** omulundi gumu nga oli ku maviivi

**3.** Okusoma nti Samia Allah Limani hamida eri asaala omu n'eri Imaam mukiseera ky'okkutaamulukuka okuva ku ruku-u

**4.** Okusoma nti Rabbana wa laka-li Hamud oluvannyuma lwa ruku-u (olw'okuva ku maviivi)

**5.** Okusoma nti Subuhaan Rabbiyal-Aala ng'ovunnamye wansi omulundi gumu.

**6.** Okusoma nti Rabbi Igifirili wakati w'envunnama ebbiri.

**7.** Tashahudu esooka.

**8.** Okutuula mu Tashahudu eyo esooka.

## Empagi z'esswala

**1.** Okuyimirira eri alina obusobozi mu swala ezetteeka wabula eza sunna sitteeka naye esswala gy'asadde nga atudde afuna kitundu kya mpeera kw'oyo ayimiridde.

**2.** Takibiira ey'emizizo.

**3.** Okusoma suratu Alifaatiha (Alihamudu)

**4.** Okukutama kumaviivi mu buli raaka.

**5.** Okutereera mu kuyimirira nga ova ku maviivi.

**6.** Okuvunnamira kubiyungo byo omusanvu emirundi ebiri mu buli raaka.
**7.** Okutuula wakati w'envunnama ebbiri.
**8.** Okutebenkera mubikolwa byonna ebinyonyoddwa.
**9.** Tashahudu esembayo.
**10.** Okutuula mu Tashahudu eyo esembayo.
**11.** Okusaalira nabbi (SAW)
**12.** Okusaza salaam.
**13.** Okuliraanyisa wakati w'empagi ezo.

## Okw'elabira mu sswala:

***Sahawu*** kitegeeza okwelabira. Omusaaze singa yelabira mu swala n'aba nga ayongera muswalaye oba akendeeza oba okubeera n'okubuusabuusa mu kwongeramu oba mu kukendeezamu, olwonno abeera alina okuvunnama oluvunnama olw'okwelabira.
Singa ayongera ekintu kyonna mu swalaye olw'okwelabira, gamba ayongedde mu kuyimirira oba mukukutama oba okutuula n'ebirala ebiringa ebyo, olwonno avunnama envunnama bbiri oluvanyuma lwa salaam. Ate singa abeera akendeezezza ekintu kyonna mu swalaye olw'okwelabira, gamba nga okuleka ekintu mw'ebyo ebikolebwa musswala, oba ebyogerwa muyo, singa kyalese ebeera mpagi mu mpagi zesswala

nakijjukira nga tannaba kuyingira mu Raaka eddako, abeera asaanidde addeyo emabega aleete empagi eyo gyeyeerabidde n’ebyo ebiddirira oluvanyuma lwayo, era abeera ajja kuvunnama oluvunnama olwokwelabira. Ate singa agijjukidde nga amaze okuyingira mu rakah endala eddako, olwonno eyo eraaka mweyeerabiridde empagi, eba efudde. N’olwekyo afuula eno gyagenzeeko nedda mukifo ky’eri efudde. Gamba singa abadde agenda kuyakusatu najifuula ey'okubiri.
Era ne bw’aba nga tategedde mpagi gy’alese wabula nagimanya luvanyuma lwakumala kusaza salaam, olwonno bwekiba ekiseera tekiyiseewo kiwanvu asituka n’asaalayo rakah emu era bwamala n'avunnama oluvunnama olwokwelabira. Naye singa akitegeera nga wayise ekiseera oba nga ne wudhu emuweddeko olwonno eswala yonna agiddamu.
So nga singa yeelabira ekintu kyonna ekyetteeka mu swala (Waajibaatu Swala) gamba nga Tashahudu esooka oba ekirala mw’ebyo ebyetteeka mu swala, olwonno avunnama envunnama biri nga tanasaza salaam. Wabula ate mumbeera y'okwelabira nafuna okubuusabuusa nga bw’ayinza okubuusabuusa kumuwendo gwa rakah nga tajjukira asadde meka, gamba nga bwayinza okubuusabuusa nti abaffe eno rakah yakubiri oba yakusatu? Mu mbeera eno alina okuzimbira ku

muwendo omutono kubanga gwo agwekakasa. Bw'amala navunnama envunnama biri nga tanasaza salaam. Naye singa abuusabuusa mukuleka empagi mu mpagi ze sswala, wano nawo akola nga era bwetwalabye waggulu. Addayo n'aginona era bw'amala n'avunnama envunnama ebbiri ezokwelabira. Singa afuna okubuusabuusa okwo, naye nafunako oludda omutima gwe lwegusinga okwekakasa nti kyekino, awo atambula n'ekyo omutima kyegusinze okusimbako essira, wabula era avunnama oluvunnama olw'okwelabira.

## Sunna ezisaalibwa oluberyeberye oba oluvannyuma lw'esswala ettaano:

Kisaana eri omukkiriza omusajja n'omukazi okubeera nga beekwata ku sunna zino naddala eraaka ekkumi n'ebbiri, ebbanga ly'amala nga tali mulugendo nga nazo zeezino:
Eraaka nnya olubereberye lwa dhuhuri, ne raaka bbiri oluvanyuma lwayo, ne raaka bbiri oluvunyuma lwa magaribi, ne raaka bbiri oluvanyuma lwe sswala ya Ishai, ne raaka bbiri olubereberye lw'esswala ya Subuhi.
Mu Hadith eyawandiikibwa Imaam Musilim:

فعن أم حبيبة ـ رضي الله عنها ـ قالت: سمعت رسول الله ـ صلى الله عليه وسلم ـ يقول: (( مَا مِنْ عَبْدٍ مُسْلِمٍ يُصَلِّي لله كُلَّ يَوْمٍ ثِنْتَيْ عَشْرَةَ رَكْعَةً تَطَوُّعًا غَيْرَ فَرِيضَةٍ إِلَّا بَنَى اللهُ لَهُ بَيْتًا فِي الجَنَّةِ، أَوْ إِلَّا بُنِيَ لَهُ بَيْتٌ فِي الجَنَّةِ )) [رواه مسلم: ٧٢٨].

Agamba Umu Habiiba nti nawulira omubaka (SAW) nga agamba nti: *"Tewali muddu yenna musiraamu asaala kulwa Allah raaka kkumi nabbiri mulunaku nga za sunna (siziri mu sswala ezalaalikibwa) okujjako Allah amuzimbira ennyumba mu jjana oba okujjako azimbirwa ennyumba mu jjana".*
N'ekisinga obulungi kunsonga za sunna zino eza kyeyagalire ye muntu okuzisaalira ewakaawe.
Mu Hadith eyawandiikibwa Imaam Musilim:

فعن جابر بن عبدالله ـ رضي الله عنه ـ قال: قال رسول الله صلى الله عليه وسلم: ((إذا قضى أحدكم الصلاة في مسجده، فليجعل لبيته نصيبًا من صلاته، فإن الله جاعلٌ في بيته من صلاته خيرًا)) [رواه مسلم: ٧٧٨]

Agamba JAABIR Bun Abdallah nti: omubaka wa Allah (SAW) yagamba nti "*bw'amalanga omu mummwe esswalaye mu muzikitigwe nemunju ye asseeyo omugabo muswalaye mazima Katonda ateeka ebirungi munjuye okusinziira ku mugabo gwesswalaye eyo yye gyeyasaaliddemu"*.

Era mu Hadith eyawandiikibwa Imaam Bukhar ne Musilim:

عن زيد بن ثابت ـ رَضِيَ اللَّهُ عَنْهُ ـ قوله ﷺ: (( ... فإنَّ خير صلاة المرء في بيته، إلا الصلاة المكتوبة )) [ متفق عليه: ٦١١٣، ٧٨١ ].

Agamba ZAIDU Bun Thabiti mu Hadith nti yagamba (SAW) nti: *"Mazima esswala y'omuntu esinga obulungi y'eyo gy'asaalidde mu njuuye okujjako esswala ez'alaalikibwa".*

## Esswala ya witiri (eyensusuuba):

Kiri mu sunna eyakakata, okusaala esswala eno eya Witiri era nga ekiseera kyayo; etandika amangu ddala nga esswala ya Ishai ewedde okutuusiza ddala nga fajiri tenavaayo, naye ekiseera ekisinga obulungi okugisaaliramu ky'ekiseera ky'ekiro ekisembayo nga Fajiri oba mambya tennasala. Era esswala eno eri mu sunna omubaka (SAW) z'ataalekanga, k'abeere ewakaawe wadde nga ali mu lugendo.

Obutono bwa Witiri ebeera raaka emu, So nga omubaka (SAW) yasaalanga raaka kkumi n'emu nga bwekiri mu Hadith eyawandiikibwa Imaam Musilim egamba:

عن عائشة رضي الله عنها: ((أن رسول الله ﷺ كان يصلي بالليل إحدى عشرة ركعة، يوتر منها بواحدة ... الحديث )) [رواه مسلم:٧٣٦]

Agamba maama waffe Aisha nti: *"Mazima omubaka wa Allah (SAW) yalinga asaala mukiro raaka kkumi n'emu nga aleeta Witiri n'eraaka emu".*
Era agamba mu hadith eyawandiikibwa Musilim:

عن ابن عمر رضي الله عنه، أن رجلاً سأل رسول الله ﷺ عن صلاة الليل، فقال رسول الله ﷺ: ((صلاة الليل مثنى مثنى، فإذا خشي أحدكم الصبح، صلى ركعة واحدة، توتر له ما قد صلى)) [رواه مسلم:٧٤٩].

Agamba Ibun Umaru nti: mazima omusajja yabuuza omubaka (SAW) ku sswala y'ekiro, omubaka wa Allah (SAW) n'ayanukula nti: *"Esswala z'ekiro zibeera raaka bbiri bbiri, omu mummwe bw'atyanga obudde okumukyako, asaaleyo raaka emu n'efuula z'asadde okubeera ezensusuuba amakulu eza witiri".*
Era kiri sunna eyagalibwa ennyo okubeera nga omusaaze aleeta ***Kunuutu*** nga akutaamulukuse okuva ku maviivi ebiseera ebimu, olwa hadith ya Hasan Bun Ali eraga nti nabbi (SAW) yamuyigiriza ebigambo eby'ogerebwa mu kunuutu, nga asaba edduwa naye kino takikola mu buli kiseera oba mu buli lunaku kubanga abasinga mu bannyonyola esswala ya Nabbi (SAW) tebannyonyola kunuutu eno nti yagikolanga.

Era kiri mu sunna eyagalwa ennyo eri oyo abeera ayitiddwako esswala eno eya Witiri okujiriwa emisana naye nga taleeta witiri wabula azisaala nga sizansusuuba, okugeza n'asaala raaka bbiri oba nnya oba mukaaga oba munaana oba kkumi, kubanga n'omubaka (SAW) bw'atyo era bweyakikolanga.

## Rakah ebbiri eza Subuhi:

Ne raaka zino ebbiri ezisaalibwa olubereberye nga tonnasaala sswala ya Subuhi ziri mu sunna eza buli lunaku. Era omubaka (SAW) zeyekuumanga ennyo obutamuyitako k'abeere waka wadde nga ali mulugendo, nga bwekiri mu Hadith eyawandiikibwa Imaam Bukhar ne Musilim:

عن عائشة رضي الله عنها : ((أن النبي - ﷺ - لم يكن على شيء من النوافل، أشد معاهدة منه، على ركعتين قبل الصبح )) [متفق عليه: ١١٦٣، ٧٢٤]

Agamba Aisha nti mazima nabbi (SAW) *"Tabeelangako ku kintu kyonna mubya sunna kyeyassangako ennyo essira nga zino raaka ebbiri ez'olubereberye lwa Subuhi".*

Era yanyonyola obulungi bwazo n'agamba mu Hadith eyawandiikibwa Imaam Musilim:

ولقوله -ﷺ-: (( لهما أحبَّ إليَّ من الدنيا جميعًا )) [رواه مسلم: ٧٢٥].

Yagamba omubaka (SAW) nti: *"Mazima zzo zezisinga okwagalwa gyendi okusinga edduniya yonna".*
Era kiri sunna okusoma mu raaka esooka mu sunna ya Subuhi surat (Kaafiruuna) ate mu raaka eyokubiri surat Ikhilaswi. Omubaka (SAW) oluusi yasomelanga mu raaka esooka aya 136 mu surat Baqara ate mu yokubiri aya 64 surat Imran.

(قُولُوا آمَنَّا بالله وَمَا أُنزِلَ إِلَيْنَا ... الآية )

(قُل يا أهل الكتاب تَعَالَوا إلى كلمةٍ سَوَاءٍ بيننا وبينكم... الآية )

Era kiri sunna okuzisaala nga nyimpi olw'okuba bw'atyo omubaka (SAW) bweyazisaalanga, so nga era kisaana oyo gwezayiseeko olubereberye lwa Swalat subuhi okuziriwa nga amaze esswala ya Subuhi, wadde nga abamanyi balaba nti ekisinga obulungi alinda enjuba n'emala okuvaayo ney'ewanika waggulu ekigero kyeffumu okutuusiza ddala nga ekiseera ekyaziyizibwa tekinatuuka. Amakulu mu kiseera nga enjuba ekyuka.

## Esswala ya Dhuha:

Esswala eno eya Dhuha y'esswala y'abo abayayaanira obulungi era nayo eri sunna eyakakata. Era omubaka yagitukuutira mu hadith

nyingi nga bwekiri mu hadith eyawandiikibwa Imaam Musilim egamba nti:

عن أبي ذر ﷺ، عن النبي -ﷺ- أنه قال: ((يُصبحُ على كل سلامى (أي: مفصل) من أحدكم صدقة، فكل تسبيحة صدقة، وكل تحميدة صدقة، وكل تهليلة صدقة، وكل تكبيرة صدقة، وأمر بالمعروف صدقة، ونهي عن المنكر صدقة، ويجزىء من ذلك ركعتان يركعهما من الضحى)) [رواه مسلم: ٧٢٠]

Agamba Abi ZARI nti nabbi (SAW) mazima yagamba nti: "***Bukya ku buli kiyungo ky'omu mumwe nga kirina sadaaka gye kirina okufuna naye buli lw'otendereza Allah ebeera sadaaka, era buli lw'omugulumiza n'amatendo ge ebeera sadaaka, era buli lw'omwawula mu bw'omubwe ebeera sadaaka, n'okulagira empisa ennungi sadaaka, n'okuziyiza empisa embi sadaaka, wadde nga zikumalira ebyo byonna raaka bbiri z'osaala eza, eza swalatu dhuha.***

Era agamba mu hadith eyawandiikibwa Imaam Bukhar ne Musilim egamba nti:

وعن أبي هريرة - ﷺ - قال: ((أوصاني خليلي بثلاث، لا أدعهن حتى أموت: صوم ثلاثة أيام من كل شهر، وصلاة الضحى، ونوم على وتر)) [متفق عليه: ١١٧٨، ٧٢١].

Agamba Abii Hurairat nti: *"Yannaamira mukwano gwange (SAW) ebintu bisatu; siribireka mpaka lwendifa, okusiiba ennaku essatu eza buli mwezi, n'esswala ya Dhuha, n'okwebaka nga maze okusaala Witiri".*

Era n'ekiseera kyaayo ekisinga obulungi okugisaaliramu ky'ekiseera nga enjuba evuddeyo, enjuba nga esituse omusana neguba nga gutandise okubeera ogwa maanyi mu kwaka okutuusiza ddala kunkomerero yayo mwesaalirwa era kw'ekukyuka kwenjuba. Obutono bwa raaka zaayo ezisaalibwa ziba bbiri ate obungi tebulina kkomo (wadde nga omubaka yakomanga ku munaana).

**Ebiseera ebyatuziyizibwa okusaaliramu:**

Waliyo ebiseera ebitasaana muntu kusaaliramu sswala nabyo nga bye bino:

1. Oluvanyuma lw'esswala ya Subuhi okutuusa nga enjuba emaze okuvaayo neyeewanika ekigero kyeffumu.
2. Mukiseera nga enjuba ekuteebeddemu ekisiikirizekyo nga kikulimu gwe kenyini okutuusa nga ekyuuse nga edda gy'egwa.
3. Oluvanyuma lw'esswala ya Aswiri okutuusa enjuba lw'egwa

Wabula ebiseera bino ebyaziyizibwa okusaaliramu kikkirizibwa esswala ez'ensonga zzo okuzisaaliramu

gamba nga Tahhiyyatul Masijidi, oba swalatul-Janaaza (eswala y'omufu), oba esswala y'okusisinkana kw'enjuba n'omwezi, oba raaka ebbiri ezatwawafu.
Era kikkirizibwa okuliwa esswala ebeera yakuyiseeko mu sswala ezetteeka wadde mu kiseera kino ekyaziyizibwa olw'ekigambo ky'omubaka (SAW) mu hadith eyawandiikibwa Imaam Bukhar ne Musilim:

لقوله ﷺ: ((من نسي صلاةً أو نام عنها، فكفارتها أن يُصليها إذا ذكرها)) [متفق عليه:٥٩٧، ٦٨٤]

Agamba omubaka (SAW) nti: "*Omuntu eyelabira esswala oba neyeebaka n'emuyitako omutango gwayo kugisaalira awo wonna waaba agijjuukiridde".*
Era kikkirizibwa okuliwa sunna ya Subuhi nabwekityo eya Dhuhur oluvanyuma lwa Aswiri eri oyo gweyayiseeko.

# Ebirimu

AMATEEKA G’OKWETUKUZA ................................ 3

Okwetukuza ne nagisi (byebiriwa?) .................... 3

EBIKA BY’ENAGISI ............................................ 4

Era okumu mu kulamula kwe nagisi: .................. 6

Okumala ekyetaago: ........................................ 7

EWUDHU ...................................................... 9

ENFUNA YA WUDHU ........................................ 11

OKUSIIGA KU NGATTO .................................... 14

EBY'ONOONA WUDHU: ................................... 15

Okunaaba olunaaba olunene: .......................... 16

Ebiziyizibwa eri oyo alina Janabba:.................. 17

Okutayammama: ............................................ 18

Ebitendo by'okutayammama: ........................... 19

Omusaayi gwa HAIDHWI n’ogwa NIFASI: ......... 20

Ennamula z’eswala: ........................................ 23

N'amazima kunsonga enkulu ezikwata ku sswala mwemuli; ................................................ 27

Ebiseera bye sswala:........................................30
Ebifo ebitakkirizibwa kusaalirwamu:.................31
Engeri gyetusaalamu..........................................32
Engeri y'okusaala y'eno:...................................32
Azikaari oluvanyuma lw'eswala: ..........................42
Omuntu gwe basoose mu sswala:....................45
Eby'onoona esswala:........................................46
Ebyetteeka mu sswala: ...................................47
Empagi zesswala ..............................................47
Okw'elabira mu sswala:....................................48
Sunna ezisaalibwa oluberyeberye oba
oluvannyuma lw'esswala ettaano: ...................50
Esswala ya witiri (eyensusuuba): .....................52
Rakah ebbiri eza Subuhi:.................................54
Esswala ya Dhuha: ..........................................55
Ebiseera ebyatuziyizibwa okusaalilamu:............57